



Obwavu : The Cultural Concepts of Poverty Narrated among Refugees in Central Uganda: Part III

Umeya, Kiyoshi

Kirumira, K. Edward

(Citation)

国際文化学研究 : 神戸大学大学院国際文化学研究科紀要, 56:87-157

(Issue Date)

2021-07

(Resource Type)

departmental bulletin paper

(Version)

Version of Record

(JaLCD0I)

<https://doi.org/10.24546/81012927>

(URL)

<https://hdl.handle.net/20.500.14094/81012927>



Obwavu

The Cultural Concepts of Poverty Narrated among Refugees in Central Uganda: Part III

Kiyoshi UMEYA and Edward K. KIRUMIRA

In association with Michael OLOKA-OBBO, Paul OWORA,
Robert KIYEGGA, Samuel WAMALA and Toshiki TSUCHITORI

I. Introduction

This paper is part of a series of papers reflecting on the lived experiences of rural communities in 1999. It principally concerns materials collected during the tasks undertaken by Kiyoshi Umeya, one of the co-authors, while working long-term as an expert, dispatched from the Japan International Cooperation Agency (September 1999–February 2000). It is also part of the ‘Comprehensive Study Concerning the Strategies for Poverty Eradication and Integrated Rural Development in Uganda’, which is jointly conducted by the Japan International Cooperation Agency and Makerere University. Professor Edward Kasujja Kirumira was the Makerere University principal investigator and the project’s co-leader. Achilles Ssewaya and Andrew State were engaged as senior researchers. The project leader was Professor Nobuhiro Nagashima (Hitotsubashi University). Other Japanese researchers involved in the project, included Professor Shiro Kodamaya (Hitotsubashi University) and Dr Noriko Tahara (Shitennoji International University).

For this project, Umeya conducted a social anthropological survey in Kyegonza Sub-county, Gomba County, Mpigi District, Uganda. The purpose was to survey the actual situation of ‘poverty’ in society. Due to failure of similar projects at that time, ‘poverty’ was not regarded as being a known phenomenon,

hence the task was to re-examine the concept of 'poverty' itself or to conduct a survey with a regional perspective in mind. The purpose of the present report is to publish, in a usable form, the raw materials we previously gathered. The primary materials have been minimally processed.

The purpose of this survey is to analyse how poverty (*obwavu* in Luganda, one of the major languages of Uganda) and other problems (*ebizibu*) are regarded and discussed at the survey site (Kyegonza sub-county) selected by the team. The current paper presents the transcribed text from the recorded interviews as a continuation of Part I and II.

II. Text transcribed

Book 20	Book 20 Luganda
1 Yosamu Ssemwogerere (43 years old)	1 Yosamu Ssemwogerere (43 years old)
Qtn: Your Occupation?	Eki: Okola mulimu ki?
Ans: I am a teacher but I am growing other cash crops and food crops to feed my family.....cash crops like sorghum.	Oku: Ndi musomesa, kyokka nga nima emmere y'okulya n'ebimera abirala ng'omuwemba ne mwannyi.
Qtn: What problems do you have in your daily life?	Eki: Buzibu ki bw'osanga mu beera yo eya bulijjo?
Ans: The rain has destroyed our crops and yet our agricultural products are bought at a very cheap price. Another reason they charge us too high price on agro-chemical products and even during vaccination process of our local cattle they charge a very high price on each	Oku: Tulina obuzibu nti enkuba esse ebintu byaffe byetulimye. Ate ne beeyi y'emwanyi ekyuka kyuka nnyo. Ensonga endala, abantu balima, naye emiwendo gyebasaba kuddagala lye nte n'okugemesa ebisolo, emiwendo gyebasaba ku buli kisero, minene nnyo. Kale nakyo kituza emabega. Ensonga endala yabutamanya ki

cow. Another reason our people are ignorant of what to do and at what time to do it. Another reason we lack good feeder roads in our area to transport our products. Lack of courage and sluggishness among people, they are too lazy and they do not want to work.

Qtn: Have you enjoyed your professional (teaching)?

Ans: I have enjoyed the professional but late payments especially we teachers are the chronicle diseases. We have unlike our parents who used to get their salary in time which at times fail our budgeting and causes us problems but otherwise she like my professional.

Qtn: You as a teacher what ways have you put forward to see to it that you eradicate ignorance in your people?

Ans: I have not seen any way, to do so, but before that we have an adult education in our area but people being used by ignorance refused to turn up to et that free education, youth and adult who had never got any chance failed to attend to such a

kyakola. Era mubiseera ebituufu.

Obutaba na makubo malungi mu kitundu okutambuza ebirime byaffe.

Obutewayo era n'obugayavu. Abantu baffe bagayaavu nnyo. Tebagala kukola.

Eki: *Omulimu gw'obusomesa ogwe yagaliddemu?*

Oku: *Omulimu ngwe yagaliddemu.*

Wabula ate obutasasulwa nsubudde, bwebulwadde bwetulina.

Obutafananako ne bazadde baffe edda. Abafunanga ensimbi zabwe oz'omusaala mubudde. Ffe tulhawo okufuna omusaala. Kale ne buba nga bwe buzibu bwe tulina. Naye ngweyagaliram.

Eki: *Ekitundu kyamwe, musaze magezi ki okulaba ng'obutamannya bugwa mu bantu?*

Oku: *Sinalaba magezi gasaliddwa.*

Kyokka na bantu baffe nga bakozesebwa butamannya, tebagala kuyiga. Kubanga emabega ko awo, twalina abantu abatandika okusomesa. Kyokka abavubuka n'abantu abakulu balemwa okujja. Nga tebagaala.

Eki: *Abantu bajjumbidde batya enkola eya bonna basome?*

free course.

Qtn: How have the people encouraged the UPE programme in your area?

Ans: They have participated fully in sending their children to schools.

Qtn: Have they played well their part left by the government, like buying uniforms, books and paying some necessities for academic excellency?

Ans: Our people failed totally. They have a poor mentality of saying that everything is provided by Museveni. (the President). They call children "Museveni's children", so they have not done as they are expected to do.

Qtn: Women are complaining that you men you are illiterate and you have retarded the development of most of the homes since you are the head, what do you say about it?

Ans: In our area the academic standard of both people (father and mother) is not identified, both have the same academic standard and level.

Qtn: How about the health care status in the area?

Ans: Health care status of our area

Oku: *Abantu baffe bajjumbidde bulungi enkola eno.*

Eki: *Bbo bajjumbidde batya enkola eya bonna basome? Olubimbi balulimye bulungi nga gavumenti lwe yabalekera?*

Oku: *Abantu baffe tebajjumbidde kulima lubimbi. Balina endowooza egamba nti, Museveni yatusasulira buli kintu. Kale tabakoze bulungi. Babayita "banna bamuseveni".*

Eki: *Abantu abasinga obuyigirize bakazi, era mwe abasajja olw'obutaba bayigirize, muziza emabega amaka. Gwe obadde agamba ki?*

Oku: *Nze okulaba, sirina nnyo gwe nggamba nti yasinga bane. Wabula obuyigirize bwe nkana nkana bwonna obwa maama ne taata mu maka.*

Eki: *Eby'obulamu mu kitundu kyaffe, biri bitya?*

Oku: *Eby'obulamu tebibadde bibi nnyo. Okusooka, abantu bajjumbidde okugemesa abaana. Kale eby'obulamu si bibi nnyo, okutwalira awamu.*

Eki: *Kyafayo ki taata, ky'oyinza okutuwa, ekyali kigudde ku kyalo ne mumuluka gwaffe ogwe Koome okutwalira awamu?*

Oku: *Eky'afayo eky'asooka edda ko,*

has not been bad since people have supported immunization of their children in the recent conducted exercise.

Qtn: What historical event can you give us, which had happened to your village or even in the Koome Parish generally?

Ans: The historical even I know happened just way back 1979 when heightening struck the school and three of our children died on spot (Kasaka Primary). Another historical event heavy wind destructed the school buildings of the same school and people suffered (parents) to put up another new buildings. Another historical even there was a brother of mine got lost but they suspected tree confiscated him up to now it is about 25 years and he would have been 30 years. Another bad historical even our child at Kasaka Primary School died in a newly constructed dam in diocese farm. It was constructed to pump water to diocese. Another good historical events which happened in our area was to announce the operation of

nga 1979, eggulu (laddu) yakuba abaana ku somero e Kasaka. Era basatu kubo nebaafirawo mbulaga. Eky'afayo ekirala, obuyaga yali nnyingi gwayiwa ekizimbe kye somero ly'erimu. Era abantu neba bonna bonna okuzaawo ebibiina ebyo. Eky'ekango ekirala, waliwo muganda wange eyabulira ku muti gwa "Mindi Nsala". Kati myaka nga abbiri mwetaano (25 years). Singa aweza emyaka 30 n'omusobyo. Eky'akango ekirala, omwana waffe owesomero, yagwa mu kidiba (dam) ekyali kisimwa okusindika amazzi mu Bulabirizi. Eky'afayo ekirala. Kyali kirungi nnyo okufuna obulabirizi. Kyalinga kirooto ate n'okufuna amasanyalaze eKasaka nakyo kirooto eri ffe abantu abamuno. Eki: Abavubuka bazadde abaana bangi nnyo, kyokka nga tabalina nfuna nungi. Kale olowooza lwaki ekintu kiri bwe kityo?

Oku: *Ensonga eyo ekozeseza abantu ennyo yabutamanya. Kale betaaga okumannya enkola eyo n'okubasomesa.*

Eki: *Olowooza tusaze magezi ki okumalawo obutamannya?*

Oku: *Abe nkola eya kizaala gumba,*

the diocese and the establishment of hydro electricity power and solar energy in the area.

Qtn: Why do you think the youths are producing a great number of children yet their earnings is not good? Can you comment on that?

Ans: They are doing such a thing out of ignorance so they need to know such act and to get seminar about family planning activities.

Qtn: What ways can a person take to eradicate ignorance from our people?

Ans: The family planning association and adult educators should put especially women since they are the bearer of the children.

Qtn: How about famine in the area?

Ans: Famine is no a problem in our area as per now because we are in harvesting time, people have maize, beans but those people who are lazy they have such a problem.

Qtn: How do you harvest in the whole year?

Ans: We have two seasons, we have one from March to June and from August to December in the whole year, but coffee the story is a

basaana okw'ongera omulimu ogwo kusomesa abantu baffe. Naddala abakyala, kubanga ye keesi mwe tutereeka abaana.

Eki: Yo enjala, eri etya, Ssebo?

Oku: Enjala wetyogerera Ssebo, siya maanyi, kubanga abantu balina emisooli ne bijanjaalo. Kale enjala tewali nnyo. Naye abaali abanafu ebaluma.

Eki: Okukungula kuli kutya, omwaka omulamba?

Oku: Tulina amakungula ga mirundi ebiri. Tulina okuva mu gw'okusaatu okutuuka mu gw'omukaaga. Ate n'okuva mu gw'omunaana okutuuka mu gw'ekumi ne bbiri.

Eki: Mulina ngeri gyemwekubiriza okutereka obulungi emmere ne mwetereker ekyeeya?

Oku: Tubadde tetulina nkola nungamu yakutereka. Wabula buli muntu atereka nga bwalabye, munju ye.

Eki: Embeera y'obudde yo tebakosezza?

Oku: Embeera y'obudde tetukosezza nnyo. Wabula enkuba olumu ebadde etonnya ne tta ebintu byaffe.

Eki: Olina bya bugagga ki?

bit different, there is a different in months.

Qtn: Have you introduced the system of keeping dry food to keep a watch to the rampant famine in the area?

Ans: We are taking the normal procedure of keeping that food stuff each individual keep according to the store.

Qtn: Does the environment changes not disturbs you badly but at times heavy down poor destroyed our crops?

Ans: The environment has not treated us badly but at times heavy down pour destroyed our crops.

Qtn: What wealth do you have?

Ans: I have one cow from which I get milk, and then I have six (6 acres) of land.

Qtn: Do you have or know any epidemic disease that has caused people of this are to die in a greater number?

Ans: Apart from HIV Aids we have never got such an epidemic in this area or village.

Qtn: How about sanitation this area?

Ans: With sanitation, we are not

Oku: *Ninna akate kange kamu kenywa mu amata, nina ne eka mukaaga eze ttaka (6 acres).*

Eki: *Olina ky'omannyi nti ogulwadde gwagwa kuno ne gubatamu abantu?*

Oku: *Okujjako nga nzijjeko obulwadde bwa siriimu tubadde tetufunangamu gulwadde gwonna mukyalo kino.*

Eki: *Eby'obuyonjo bili bitya?*

Oku: *Obuyonjo tetubadde bubi nnyo, era Ssentebe affuddeyo nnyo okujjumbira enkola eyo.*

Eki: *Mugunjizaawo ebibiina bw'obwa nakyewa mwe muyita okwekula kulannya?*

Oku: *Ekyyo sinaba ku kiraba, era ne kirowwozo tetukirina ffe. Kale sentebe tugenda kufuba tukimugambe.*

Eki: *Weddira ki?*

Oku: *Lugave.*

Eki: *Bazadde bo bombi webali?*

Oku: *Webali Ssebo.*

Eki: *Bebaani amannya gabwe?*

Oku: *Ye mwami Ssemakula Patrick n'omukyala.*

Eki: *Mulangaki gw'okubira abagabi b'obuyambi (JICA)?*

Oku: *Nze nsaba batuyambe mu bintu ebinatujja mu bwavu era bafube*

badly off since our chairman has put much emphasis on that stuff.

Qtn: Have you introduced based community organization, where you, can pass through to develop your village?

Ans: I have not see such deal and I don't think that people have even a dream of it, but we are going to introduce it to our local council Chairman.

Qtn: Your totem?

Ans: Lugave.

Qtn: Are your parents both still alive?

Ans: Both are still alive.

Qtn: Their names?

Ans: Mr. Patrick Ssemakula and Eva Ssemakula.

Qtn: What call can you put forward to the JICA people and the government?

Ans: I ask them to introduce income generating projects which can drive us out of poverty and even the fellow citizen to work hard and even donation should reach were they are going not to get lost on the way.....

Qtn: Do you have a wife and children?

obuyambi butuuke gyebulaga. So si ku bulira mukubo.

Eki: Olina omukyala n'abaana?

Oku: Abaana mbalina bali bana (4) no mukyala omu.

Ebikkatiriza: Omusajja mutegeevu bulungi. Musomesa addamu ebibuuzo, era ng'omusomesa, atuyambye nnyo okunnyonyola ebizibu bye kyalo kye. Kubanga tufunnye okuwakanizibwa kwa maanyi nnyo. Abantu balimu obutamannya. Tumubuliza mu nju ye. Ebadde sintegeka bulungi.

Ans: I have one wife and four children.

Notes: The man is understanding ell, a teacher answering the question very well, he has helped us so much in our research since he knows the problems of the area and we have got a lot of hesitation from the citizen since people are oppressed by ignorance. We interviewed him in his house (dinning) but the house has been disorganized and very dirty.

2 Patrick Ssemakula (67 years old)

Qtn: What is your occupation?

Ans: I was a teacher but now I am retired teacher due to sickness and age.

Qtn: You enjoyed in such a job or teaching professional?

Ans: I enjoyed it very much and I had peace in it.

Qtn: What problems do you have generally here and even with your family?

Ans: The problem I have is of sickness all my body was deformed and all bones are dislocated now I am using crashes (walking sticks for

2 Patrick Ssemakula (67 years old)

Eki: *Okola mulimu ki ddala?*

Oku: *Nali musomesa naye n'empumula olw'obulwadde era n'obukadde.*

Eki: *Ggwo wa gweyagaliramu, omulimo ogwo ogw'obusomesa?*

Oku: *Nagweyagaliramu nnyo era nagulinamu emirembe.*

Eki: *Kakati, buzibuki bw'olina okutwaliza awamu n'abantubo wano awaka?*

Oku: *Obuzibu bwe nina bwa bulwadde. Omubiri ggwange gwonna gwa gongobala, amagumba gonna gakyama. Era kati ntambulira ku miggo egyabalema. Sikyasobola kola,*

lame, people I have no capability of working and that is my problem.

Qtn: What can you, say on the side of poverty Sir?

Ans: The reason of poverty is an Import not one since in my home has entered, what I used to do try no longer in position of dodging, them due to sickness.

Qtn: What types of poverty?

Ans: My poverty came like this I failed to provide my family even my life what I used to do, what I used to eat I can no longer provide it to my family. When you reach to an extent of not having necessities then you can call it poverty. So I am of that kind.

Qtn: How has poverty oppressed you?

Ans: It has oppressed me because I failed to get a daily income or monthly salary as used to et, when I go to Mulago Hospital, they also want some money before treatment even if it's a government hospital. Even my wife has a problem of legs they are painning her very much and she cannot work as she used to do.

era obwo bwe buzibu bwange.

Eki: *Yo ensonga y'obwavu ogyogerako ki, Ssebo?*

Oku: *Ensonga y'obwavu nkulu. Nze, wano ewange, erabika eyingiriddewo ddala. Kubanga byenategeka byonna, sikyasobola kola olw'obulwaddde.*

Eki: *Naye nga bwavu bwa kika ki?*

Oku: *Obwavu obwange, kasita nalemwa okwetusako kyenali nsobola, nga si kyakisobola kukyetuusaako, kye nasobolanga okulya, nga sikyakisobola, obwo bwe mpita obwavu. Kasita obeera nga tosobola kwe tusaako kintu kyonna kyoyagala, nze obwo bwempita obwavu.*

Eki: *Obwavu bukunyigiriza butya?*

Oku: *Obwavu bukunyigiriza kasita nabulwa akasente akabuli lunaku kenateranga okufuna, olwo ekiseera kituuka ne mbulwa sente. Ate era bwe ngenda eMulago, nayo baba bagalayo akantu. Kale olumu nemwa. Ate era ne mukyala wange yalwala amagulu, era kati takyesobola kola. Ensonga enkulu tetukyalina nzi gyanjaba yonna ffe gyetwandye baza mummyaka gyaffe.*

Eki: *Okusinzira ku myaka gyo era ne banga lyomaze kuno, kyafayo ki*

Another reason we no longer get any good treatment which we would have wished to our age.

Qtn: According to your age, what historical event do you know and in which year did it happen if you can recall?

Ans:Long time back we go a heavy down poor, in the process, there came a lightening which struck our Primary pupils 30 died on spot but I do not remember the year. Another event also at the same school Kasaks Primary the place was suffered with hail storm which killed even all animals and plants, the hail storm spent at least a week on ground forming rocks the consequence, was famine. Another even historically in the past years we received drought for a whole year, that resulted to heavy and deadly famine.

Qtn: Do people have any traditional belief in this area (they worship)?

Ans: I have grown up here but I never saw them worship it but there is a cave behind my house one can call it a (historical event) they call

ky'omanyi era kyagwawo mwaka ki?

Oku:Edda ennyo, enkuba yatonnya nnyo, era nesuula laddu (eggulu) neritukubira abaana baffe awo eKasaka Primary School. Naye emyaka sikyagujjukira. Ate waliwo enkuba eyatonnya ne suula omuzira negukuba ebirime. Era negukwata n'olwazi okumalira ddala ssabiiti namba. Era oluvanyuma, enjala n'eruma abantu mu kitundu muno. Eky'afayo ekirala. Ekyeya kyajja, omusana negubula okutta abantu. Era abantu nebatandika okubba emmere kumisiri.

Eki: Kuno kuliko ekintu kyonna abantu kyebasinza?

Oku: Kuno, kwenakulira, sirabangako kintu kyonna bantu kyebasinza. Naye kuliko ekyafayo kyempuku. Bajjiyita Kinoni wekiri. Era muby'afayo wano, bayitawo "kinoni". Ekyafayo ekirala kyamuti gwe bayita "Mindinsaala". Bagamba nti kuliko emisambwa. Era tetugumanyi linnya lyagwo.

Eki: Waliwo abavukuka abafuna empola, kyokka ate ne bazaala abaana bangi. Gwe olowooza lwaki abavubuka besibye ku nkola eyo?

it "Kinoni" it is there and here the place is called Kinoni. Another even (historical) there is a tree called "Mindinsaala" they say that there is a ghost and another thing people do not know the name of a tree.

Qtn: Youth at times are getting very little earnings but they tend to produce children in a very big number what o you think youth are doing so?

Ans: Youth here are ignorant about the system, so seminars are needed to teach youth and even all people the advantages of practicing such system in the society is okay. Another reason youth are not aware that generations can change and are changing now, this generation is not the same as yours so you need to teach children to look after them properly but not to tell them to look for cows and sheep.

Qtn: Women are claiming that we are backward, because our men (husbands) are to comment about that statement?

Ans: No, for me I cannot accept that reasoning since at our village if you can make a good research you can

Oku: Nze ndowooza nti abavubuka babulamu okubannyonnyola, era ekyo kyekireese obuzibu. Abantu bonna enkola eyo eyakizaala gumba, tebajjitegedde. Abavubuka, ensonga endala, te bategedde nti emirembe gyikyuka. Ogwaffe kwetwazalira, ate kati, sigweguliwo. Edda okuwerera teyali nsonga. Naye kati omwana atekwa okusoma. Tajja kudda mu kulunda mbuzi ng'edda. Omulembe gwa kusomesa baana.

Eki: Batugambye nti obutali buyigirize, era n'obutamannya, businga mu basajja. Gwe ogamba otya ku nsonga eyo? Nti era kye kitusibye emabega?

Oku: Nedda nze sikiriziganya ne nsonga eyo, kubanga ku kyalo kyaffe, abakazi, bwoba ononnyereza bulungi, bebatamanyi kusoma na kuwandiika. Kale obutamanya bulabika nga businga mu bakyala.

Eki: Emiwendo gy'abaana abavudde musomero, gwo, guli gutya? Batugambye nti enamba nene nyo.

Oku: Omuwendo munene era abaana we bali. Naye sibuzibu bwanfunu, kubanga abantu abamu bagaanye okutwala abaana kusomero, naye nga

find that women are more illiterate than men and even they cannot write and read properly.

Qtn: How is the percentage of people or children left school (dropouts) they have told us that the number is too big?

Ans: The number is too big but I cannot imagine the percentage, but they failed not because of funds (fees) but because their parents resort to drink all the time. Their parents also eat well and they even serve beer their friends.

Qtn: Too much drinking can cause poverty. How can you comment on that in your area?

Ans: It's true our people drink too much that's why our area is facing a problem of poverty and even parents are too reluctant to take children to school because of that.

Qtn: How about the education in the area?

Ans: The education of the area is not very bad, we have two good schools Secondary and a primary school very near us so that is not a problem at all.

basiiba mumwenge. Era nga n'okulya, balya bulungi n'okunywesa banne omwenge bulilunaku.

Eki: *Etamiro livaako nnyo obwavu, mwe mukisanze mutya mu kitundu?*

Oku: *Abantu banywa era tebakola bulungi. Ate n'okuweerera abaana, tabagala. Bagamba tebalina sente zisomesa. Kyokka ez'omwenge bazifuna.*

Eki: *Eby'enjigiriza byo biri bitya?*

Oku: *Eby'enjigiriza tebibadde bibi, kubanga ffe tulina amasomero abiri. Erya Pulayimale ne Sekendule. Gatuli kumpi nnyo (Kasaka).*

Eki: *Ate eby'obulamu Ssebo, biri bitya mu kitundu?*

Oku: *Eby'obulamu tebibadde bubi, kubanga ebifo ebikyamibwamu, tubadde tufubye okubeera nabyo. Era bakyama mu nsiko abamu.*

Eki: *Mwali mufunyemu ekirwadde ne kibatigomya?*

Oku: *Ekirwadde ekyo tetukirina okujjako sirimu. Naye ekirala tetukirina.*

Eki: *Ate eby'amazzi, biri bitya?*

Oku: *Amazzi tetubadde bubi. Enzizi zetulina, tufuba okuzeerula. Era simbi*

Qtn: What about health care system in the area?

Ans: On the side of health we are not badly off because we have toilets and with that issue we have tried, but on the other hand there those without and they go to bush.

Qtn: Have you ever got an epidemic disease in your village and killed people?

Ans: We have never got such an epidemic, we have only Aids scourge, which has killed very many people here.

Qtn: What about water system in the area?

Ans: We have unprotected wells but they have very good waters, so we try also to clean it, we are not badly off.

Qtn: How about your cooperation do people and the youth introduced development projects?

Ans: Our cooperation is not bad but since I have a problem of legs and sickness. I know little but the developmental projects they had started piggery (or pig rearing) but I don't know more about it.

nnyo. Zimalirawo.

Eki: *Enkola gana yamwe eri etya? Abavubuka batandise ebintu eby'okwekulakulannya?*

Oku: *Enkolagana tebadde mbi. Wabula nze sikyatambula.*

Kale mannyi kitono. Emirimu gy'okwekulakulannya, baali batandise "project" ye mbizzi. Naye simannyi bigyifaako nnyo.

Eki: *Abaami, mutaddewo ebibiina eby'okwekulakulannya mu kitundu?*

Oku: *Nze sibiraba, era tehabitakangawo.*

Eki: *Omusango ogwo ogw'obutassaawo bibiina, tuguteeka kwaani?*

Oku: *Omusango tuguteeka ku bakulembeze bakitundu.*

Bebatafukdeyo ku tekawo bibiina ebyo.

Eki: *Oyise mirembe mingi, naye mulembe ki gw'owa akabonero mubufuzi bwagwo?*

Oku: *Omulembe gw'obwa Kabaka siyinja kugungeragerannya namulembe gwonna mulala mu Uganda yaffe.*

Eki: *Mulanga ki gw'okubira aba JICA nga tumaliriza?*

Oku: *Nze nkuba omulanga bajje batuyambe batuwe ente kubanga*

Qtn: Do men introduced some developmental projects in the area?

Ans: I have never seen them, they are not here.

Qtn: Who can be blamed on such an issue of failure to introduce one?

Ans: We put a blame on the local leaders who failed to put up such projects for the people and to form societies.

Qtn: You have passed through generations, but which generation can you give a credit for good leadership?

Ans: I cannot compare Kabaka's generation (regime) with others in our Uganda on that note I give that regime a credit.

Qtn: What call can you put forward to JICA and other donors like Churches and government?

Ans: I call upon the government and others to give us cattle because we have paddocks already in existence and even there are shelters in its already in existence.

Qtn: What type of wealth do you have even if your properties some were being destroyed?

Ans: I have two cows, an acre of

ne senggenge waffe tumulina. Era nebiyumba tulirina. Kale ente ejja kutuyamba nnyo.

Eki: *Kakati, Ssebo, olina bya bugagga nga ki wano? Wadde ebintu byo ebimu bifudde nebigwawo.*

Oku: *Nze nina ente zange bbiri, nina eka emu eye mwannyi, ne ttaka eka 30.*

Eki: *Weddira ki, Ssebo?*

Oku: *Neddira Lugave.*

Ebikkatiriza: *Musajja mukulu. Ali wansi. Yalwala amagumba, atambuza miggo gya balema, ategeera bulungi ebiruma ekitundu kye. Ebyafayo bye kitundu abitegeera bulungi. Amannyi okuddamu ebibuuzo. Atuyambye nnyo ku kubuliriza ku bwavu mu kitundu kye, Kirabirokwa. Ekirabika nti abantu bayo bazibu nnyo, era tufunnye okuwakanizibwa kungi nnyo. Kino kye kyalo kyetusinze okulabamu abantu abakyali emabega ennyo. Era nga babisi ddala. Kyebagala tebakimannyi nakatono. Batutawannyiza nnyo, era nebatulemesa okubuliriza. Abantu abasinga bagaanye okubabuuzo, era tufunnyeyo batono ddala abatuyambye.*

coffee plantation and 30 acres of land.

Qtn: Your clan?

Ans: Lugave.

Notes: An old man is down, suffering with legs is even using claches to walk. He is well vast with the problems of the village and the historical events. He is answering questions very well, he has helped us in our research on property in the area of Kirabirokwa where we have got the bad impression from people. They are ignorant and illiterate, we have met resistance from people in the area. Kiryabirokwa is on eof the villages in the whole sub-county which we have seen (research assistants of JICA) still backwards (the people) they are ignorant and a lot of illiteracy. They do not know what they want, they have troubled us very much and very many people refused to be interviewed and those even interviewed refused to reveal some true answers. But we have not some who helped the researchers to collect some data.

3 Sam Ssekadde (23 years old)

Qtn: Were you born here?

Ans: Yes I am a citizen of this place.

Qtn: What are problems in your area generally?

Ans: The problem here is, we are very many youths but unemployed, that one proved to be a problem in our area now.

Qtn: What other problems do you have?

Ans: We do not have so many problems here since we have small health unit, all children are in school under UPE, the health unit has helped us so much, so with that one it is not a problem.

Qtn: What about the child care at home and their standard?

Ans: The care is not bad, but our people have poor income and they like caring but at times they fail.

Qtn: Youth are producing very many children yet their income is too poor to sustain their family, why do you think, they are doing so?

Ans: Here on our village you have very few children, so here it is not a problem at all.

3 Sam Ssekadde (23 years old)

Eki: *Ozalibwa kuno oba olimugwira?*

Oku: *Ndi muzalira wakuno.*

Eki: *Ggwe olaba buzibu ki obuli ku kitundu kyamwe kino?*

Oku: *Obuzibu obuli kuno, bwa bavubuka okusinga. Bangi nnyo abaali kuno, kyokka tebalina mirimu gyebakola, era ssebo, ffe tulina abuzibu bungi nnyo.*

Eki: *Ate olina buzibu ki obulala?*

Oku: *Te tubadde nnyo na buzibu bulala. Abaana bonna basoma, eby'obulamu, twafuna edwaliro entono wano ku Kawerimidde weriri. Era lituyamba bulungi nnyo. Kati ebyo si buzibu nnyo.*

Eki: *Eby'endabira yabaana ewaka n'omutindo, biri bitya?*

Oku: *Endabirira simbi, naye abantu baffe enfuna ntono. Oluusi bagala okulabirira obulungi, naye balemwa.*

Eki: *Abavubuka bazadde abaana bangi ate ng'efuna yabwe ntono. Olowooza lwaki bakola ekintu ekyo?*

Oku: *Kuno okwaffe abavubuka tegazadde nnyo. Balina abaana batono. Kale okwaffe tulaba eyo si nsonga.*

Qtn: You have told us that you are a farmer, do you get market where to sell your products?

Ans: We grow our crops but where to sell them is a problem.

Qtn: Have you even seen or heard any historical even basing on your years or even told to you?

Ans: No, for me I do not have any historical event I know here at our village.

Qtn: Who is owning this house where you are?

Ans: This house was for my father but all died.

Qtn: How many are you?

Ans: We are ten children.

Qtn: Are all alive?

Ans: Yes Sir.

Qtn: Clan?

Ans: Mmamba (Lung fish).

Eki: *Obutale, bwo, mu bufuna gye mutunda ebintu byamwe?*

Oku: *Ebintu byaffe tubirima, naye gye tubitunda, tetulaba yo.*

Eki: *Mumyaka gyo gy'olina, kuno kwali kuguddeko ekyaffayo kyonna kyomannyi oba kye bakunyumiza?*

Oku: *Nedda. Nze sirina kyaffayo kyonna kyemannyi.*

Eki: *Wano wobeera, waani?*

Oku: *Wali wabadadde bange. Bonna baafa.*

Eki: *Mwazalibwa abaana bameka?*

Oku: *Batuzaala abaana kumi.*

Eki: *Bonna webali?*

Oku: *Webali Ssebo.*

Eki: *Weddira ki?*

Oku: *Mmamba.*

4 Olubu Charles L. (25 years old)

Qtn: Generally what are the problems failing you in this area?

Ans: The area lack food. People cannot dig well since the area is too hilly yet people lack good farming methods, therefore they need an

4 Olubu Charles L. (25 years old)

Eki: *Bizibuki ebisinze okuza emabega mukitundu okutwaliza awamu?*

Oku: *Ekyalo tekiyina mmere. Abantu tebasobola kulima bulungi kuba ekifo kyan sozi ate tebayina bikozezebwa mukifo nga'ekyo. Betaga buyambi.*

improvement. On the problem of water we need protected wells and even bore holes, in order to up lift the standard of people the area.

They should establish (government) projects which can employ very many people in our area so that they get jobs but very many youths do not have jobs (unemployed).

Qtn: Do youths introduced community based organizations for the developmental purposes?

Ans: They have tried but they need support from donor agencies and government support as well.

Qtn: How about health care?

Ans: We are not badly off since we have a small health unit there up at the centre but its need some support.

Qtn: How about farming system in the area?

Ans: People lack what to use in farming like hoes, pangas, which they can use to cut forests to enlarge their farms.

Qtn: How have you emphasized the point of education in your area?

Ans: Parents are being encouraged to take their children to school, now

Ekirala kya amazzi. Twetaga okukuma enzizi zafe ne naikonto zafe bulungi tusobole okukuma omutindo gwa abantu mukitundu. Batandike wo bu pulojecti wansi wa gavumenti mukitundu abantu basobole okufuna emirimu kuba abavubuka bangi tebayina mirimu.

Eki: *Abavubuka baba yanjulako eri ebitongole byo kulakunya ekukyalo?*

Oku: *Bagezezako naye betaga obuyambi okuva eri ebitongole ebirala ne gavumenti.*

Eki: *Atee ebyobulamu?*

Oku: *Tetuli bubinyo kuba tuyinawo akalwariro okumpi wano naye twetaga buyambi.*

Eki: *Atee ebyokulima biribitya mukitundu?*

Oku: *Abantu tebayina byakulimisa nga enkumbi, ejambia ebisobola okutema emiti okusobola okugaziya enimiro zabwe.*

Eki: *Okubiriza otya kubyengigiriza muki tundu kino?*

Oku: *Abazadde bakubiriza okutwala abanna kusomero, era abasinga basomye ko naye tebayina sente zibongerayo okufuna emisomo ejisinga*

we have educated people around but some failed to go for high education because of money.

Qtn: How are they put emphasis on UPE universal primary education?

Ans: They have responded very well to that UPE program, they have taken children to schools and they are all full.

Qtn: Have they played well their role being left out by the government to fill like buying school uniforms, books?

Ans: They have tried but not so well but you know some are suffering from ignorance, they do not follow their children to see to it that what they are doing is really fit for the standard of the children but some are too reluctant.

Qtn: How about health and sanitation?

Ans: Sanitation is still a problem and we lack pure water for drinking, our people drink unprotected water.

Qtn: Many people are, have they not found it difficult in terms of market for their products?

Ans: It is a problem because they do

ko wano.

Eki: *Mujjubidde mutya ebya Bonna basome?*

Oku: *Bajjumbidde mukutwala abanna kusomero.*

Eki: *Batute obuvunanyizbwa bwo kugula uniform okuba nti esomero lya gavumenti?*

Oku: *Bagezezako naye ye omanyi abasing bagana lwabutamanya kuba tebafayo kulaba nti kino kisitula omutindo gwa abanna babe.*

Eki: *Atee ebyobulamu ne byebuyonjjo?*

Oku: *Obuyonjjo bukyali kizibu ate tetuyina mazzi gakunywa. Abantu banywa amazzi agatali malongosemu.*

Eki: *Abasinga abantu balimi, tebafunye buzibu bwona mukufuna akatale kamakungula gabbe?*

Oku: *Kizibu ddala kuba tenafuna butale bulungi, ate nabagula bagula ku beyi eyawansi ddala kyoka nga bayina nobuzibu bwa obulwade bwe mwanyi.*

Eki: *Olimutuzze wokukyalo?*

Oku: *Kati ndi mutuzze naye najja wano nga omusomesa kunonya mirimu. Kati nsomesa Kawerimidde pulaimale naye nava Soroti.*

Eki: *Oyina omukyala na abanna?*

not get good market, they buy their products at a very cheap price, and yet they have a problem of coffee with diseases which trouble them these days.

Qtn: Are you a citizen of this place?

Ans: Now I am a citizen but I came as a teacher to look for jobs. Now I am teaching at Kawerimidde Primary School but I came from Soroti Eastern, Uganda.

Qtn: Do you have a wife and children?

Ans: I do not have a wife and seven children.

Notes: Very happy man, talking very well, is speaking English because he does not know Luganda, is a teacher, he has given us very good ideas and views on poverty, he knows what he wants, we have interviewed him on the veranda of the shop.

Oku: *Nina omukyala na abanna musanvu.*

Ebikkatiriza: *Omusajja mukyamufu, ayogera bulungi. Akozesa lungereza kuba tamanyi Luganda. Musomesa erra atuwadde ezimu kunsonga ezikwata ku bwavu. Amanyi kyayagala era tumubuliza ku kabalaza keduca.*

5 Safina Nakato (33 years old)

Qtn: Are you born from here?

Ans: Yes sir I was born from here.

Qtn: Are both your parents here?

Ans: Only my mother, my father died.

5 Safina Nakato (33 years old)

Eki: *Oli muzaale wakuno?*

Oku: *Ndi muzaale wakuno, ssebo.*

Eki: *Bakadde bo bombi, webali?*

Oku: *Maama yekka yaliwo. Taata yafa.*

Eki: *Yafa ddi?*

Qtn: When did he die?

Ans: He died in 1989.

Qtn: Is your twin here?

Ans: No, died.

Qtn: We want you to tell us the problems in this village?

Ans: The problem is that the people are very poor.

Qtn: What kind of poverty?

Ans: The citizens don't have jobs and don't have what to do and yet we are hard working.

Qtn: What other issue?

Ans: There is a lot of sickness and yet the hospitals are very far and we don't even have money. Another problem is that we have few schools and even the teachers are not well educated.

Qtn: Have you supported UPE?

Ans: We have supported it in away that we have taken our children to school.

Qtn: What about the health system?

Ans: The wells are not far and the water is also clean but the health units are very far.

Qtn: Women, have you started up circles for development?

Oku: *Yafa 1989.*

Eki: *Mulongo munno, wali?*

Oku: *Yafa. Taliwo.*

Eki: *Twagala otubulire obuzibu obuli ku kyalo kyo?*

Oku: *Ebizibu, abantu tuli baavu.*

Eki: *Obwavu bwa kika ki?*

Oku: *Abatuuze tetulina mirimu. Era te tulina kyakola. Ffe tuli bakozi, naye emirimu tetujiraba.*

Eki: *Ate ensonga endala, maama?*

Oku: *Obulwadde bungi. Butuziza nnyo emabega ate nga amalwaliro tulina matono, ate ne nsimbi tetulina. Ensonga endala. Amasomero tulina matono, n'abasomesa sibayigirize bulungi.*

Eki: *Enkola eya bonna basome, mujijumbidde mutya?*

Oku: *Tubadde tujumbidde. Abaana tubatuteyo era nebyetaago tufuba okubiwayo.*

Eki: *Byo eby'obulamu, muli mutya?*

Oku: *Enzizi tuzirina era zamudumu. Namazzi simabi nakamu, naye amalwaliro gatuli bubi nnyo.*

Eki: *Abakyala, mutonzewo ebibiina mwe muyise okwekula kulannya?*

Oku: *Tugezezaako, naye abakyala*

Ans: We have tried but women don't come for meetings.

Qtn: Why do you think they don't support?

Ans: The issue is that their husbands don't want them to join circles.

Qtn: What about the youths, have they tried to come up with a circle?

Ans: No, they have not and they work on individual basis.

Qtn: When you do farming, do your products get market?

Ans: We don't have market and I think if we could plant different crops.

Qtn: Do the buyers buy at a fair price when you get them?

Ans: No, they under look us.

Qtn: What about coffee disease, how is it here?

Ans: The coffee diseases are too much and we nothing to do other than facing poverty.

Qtn: The fact that your near Buyana University Stock Farm, you mean it has not helped you?

Ans: They have helped those with animals because they take their cows and goats on hybrids.

tebajjumbira bulungi ku kunggana.

Eki: *Ggwe, olowooza lwaki, tebajjumbira?*

Oku: *Ensonga ebagaana, abasajja babwe tebagala bakyala bagende mu bibiina.*

Eki: *Ate abavubuka, bbo, bagezezaako okutekawo ebibiina?*

Oku: *Abavubuka tebataddewo bibiina nnyo. Wabula basubula era balina buli muntu sekinomu.*

Eki: *Bwe mulima ebirime byamwe, bitambula? Obutale bwangu?*

Oku: *Obutale tetulina. Twandibadde tulima ebirime ebyenjawulo.*

Eki: *Abaguzi bagula ku beeyi ebasanyusa bwe muba nga mubafunye?*

Oku: *Nedda. Abalimi batudondola.*

Eki: *Obuwuka bw'emwannyi n'obwa muwogo, buli butya eno?*

Oku: *Obuwuka butuli bubi nnyo, era tutulina kyakola okujjako okufa obwavu.*

Eki: *Okuliraana Buyana University Stock Farm tekirina, bwe kibayamyemu?*

Oku: *Buyana Farm eyambye nnyo abaluunzi, kubanga batwala embuzi n'ente ku nume enzungu.*

Book 21	Book 21 Luganda
1 Norah Mubiru (58 years old)	1 Norah Mubiru (58 years old)
Qtn: Can you give us reasons why our people are in the bad situation like this one?	<i>Eki: Oyinza okutuwa ensonga lwaki abantu baffe bali mu mbeera embi ennyo bweti?</i>
Ans: Most especially our people are engaged in growing coffee but their coffee is bought in retail price by buyers and on top of that they fix their price in which way their like, so such a situation causes poverty and even the situation of our people as such.	<i>Oku: Okusingira ddala, abatuuze baffe, balina emwanyi, naye nga emwanyi zaabwe, abaguzi bazigula mulejjalejja. Ate nga ne bbeeyi, be bagisaala nga bwe babeera bagadde, bbo benyini. Kale kino ne kituleetera obwavu ne mbeera y'abantu baffe okuba bweti. Ate n'ebintu nga e bijanjalo, tebirina gyebigenda. Era omuguzi agula nga bwaba alabye.</i>
Qtn: But in which period are you poor of the highest order (time factor and incidence of poverty)?	<i>Eki: Naye biseera ki ddala bye musinga okubeera nga muli baavu?</i>
Ans: August because it is the period when our children have to return back to schools yet we don't have any money in that time.	<i>Oku: Ogw'omunaana. Kubanga abaana baba bazzeyo mu massomero. Ate nga, ne sente, tuba tetulina ulungi. Naddala mu kiseera ekyo.</i>
Qtn: That means you are always all right during the harvesting period?	<i>Eki: Kwegamba, mu biseera bw'amakungula, we muberako obulungi ko?</i>
Ans: Yes sir, because during that period we be having some coffee that we sell and other crops like beans and helps to solve our problems.	<i>Oku: Yee Ssebo. Kubanga, mu biseera ebyo, tubeerako n'obumwanyini bwe tubeera tutundako. Nga, ebijanjaalo, otunda yo eddebe ne likuyambako okumalawo obuzibu bwonna</i>
Qtn: As a women leader of Kirungu, what strategies have you laid out to see that even women come out of	

poverty?

Ans: We have managed to establish our Community Based Organization called Kyaterekera Women's Association, and they promised us some money to see that it lays firm strategies for our betterment best there is no financial assistance since the promise had been made.

Qtn: So far now what is the reaction towards your call or the time?

Ans: It is almost two years since they never answered our call.

Qtn: But what were the objectives of that Association?

Ans: We wanted to take new developments most especially the women amongst us because we are still lagging behind compared to men.

